# Bw'obudaabuda omwana atafunye bubonero bw'abadde asuubira

Bya KIZITO MUSOKE
NE LAWRENCE KIZITO



Evelyn Oliver Namata yafunye 9 ku ssomero lya Nabbunga Fountains e Kaliisizo. Wano yabadde ajaganya ne kitaawe John Bossco Mulyowa omukozi wa Bukedde.



Racheal Eunice Were yafunye obubonero 11. Abadde asomera ku Godfrey Foundation School, Namasuba Kikajjo.



Joshua Maswe yafunye 5 ku Seeta Junior School Mukono. Wano ng'ajaganya ne nnyina.

**EKIRANGO**

Emboozi zino n'ebifaananyi bifulumiziddwa ku lukusa olutuweereddwa omuzadde / abalabirira abaana



Kanyerezi Jodarn yafunye 4 ku Busiika Preparatory School Luweero.



Patricia Nankinga yafunye 5 ku Nabbunga Fountains e Kaliisizo.

EBYAVUDDE mu bigezo bya PLE eby'omwaka gwa 2025 byalese abayizi n'abazadde abamu bibakubye wala olw'obutafuna bubonero bwe baabadde basuubira.

Waliwo abaayitidde mu gguleedi esooka naye nga banyiivu bulala olw'obutafuna 4, kyokka mulimu n'abagwiiridde ddala minisita w'Ebyenjigiriza Janet Museveni be yawadde amagezi okuddamu P.7.

Eyali kamisona wa Pulayimale mu minisitule y'Ebyenjigiriza Dr. Tonny Lusambu yagambye nti, ekiseera kino si kya kuyombesa muyizi wabula omuzadde alina okutuula n'omwana bakkaanye ku biseera bye eby'omu maaso.

Omwana bw'abeera ng'abadde afaayo kyokka nga tebyatambudde bulungi, kirungi omuzadde amulage nti, asobola okwongeramu amaanyi mu siniya n'atuukiriza ekirooto kye.

"Tewali nsonga lwaki omuzadde alowooza ku ky'okuzzaamu omwana olw'okuba aluubirira okumutwala mu ssomero erimu. Essomero eryo si y'enkomerero, kuba asobola bulungi okugenda mu ddala n'ayitirayo kuba tewali ssomero lyategekebwa nti, lye lisomesa abasawo lyokka," Lusambu bwe yagambye.

Kyokka omuyizi bw'abeera nga yagudde kibeera kya buvunaanyizibwa okuddamu. Kyokka omuzadde alina okukakasa ng'akyusa embeera omuyizi mw'abadde asomera okuli essomero n'okumuwa ebyetaago bwe kiba nga kye kyamuviirako obuzibu.

Omukulu w'essomero lya Madinah Islamic Junior School Nsangi, Ishaq Mbalirwa yagambye nti, tawagira kya muyizi kudda mu P.7 olw'okuba tayise bulungi.

Abalina okuddamu bagwa mu biti bibiri okuli abaagudde n'enkoona n'enywa era omwaka gwa 2025 baabadde 77,080. Bano be bayizi ababeera baasussizza obubonero 32.

Kyokka mulimu n'abayizi abaalemererwa okutuula olw'ensonga ez'enjawulo naye nga baali beewandiisa era UNEB yalaze nti, omwaka oguwedde baali 10,570.

Mbalirwa agamba nti, ensomesa empya eriwo esobozesa omuyizi yenna ayise mu gguleedi yonna okugenda mu siniya. Omuzadde n'omwana mulina okukkiriza nti, ekyo Katonda kye yaleese.

Olw'okuba siniya mutandika buto ebintu byonna, kisobokera ddala era nga kizze kibeerawo abaakola obubi mu PLE ate okuyitira waggulu ebya S.4.

"Ndabyeko abazadde abazzizzaamu abaana olw'okwagala okwongera ku bubonero ate ne bongera kukola bubi nga n'okukula bakuze," Mbalirwa bwe yagambye.

Nga omuzadde, kirungi okunoonyereza embeera eyaviirako omuyizi obutakola bulungi n'omuyamba obutadda mu bizibu bye bimu. Obutayita bulungi kiyinza okuba kyava ku mikwano emikyamu egyali tegyagala kusoma oba nga obuzibu bwali gye yali asula oba ku ssomero lyennyini.

Kitegeeza bw'aba atandika siniya mubuulirire omulage ekyamutuuseeko era omuzzeemu amaanyi nti, asobola okukola obulungi mu siniya.

Eyali dayirekita ow'ebyenjigiriza ebisookerwako mu minisitule y'Ebyenjigiriza n'emizannyo Ismail Mulindwa, yagambye nti, abaana puleesa esinga bagifuna lw'abazadde, ababa baagala bayitire waggulu ennyo ne babateekako akatinko akasusse.

Mu mbeera ng'omwana obubonero bw'afunye si bw'abadde asuubira, omuzadde alina omulimu gwa maanyi okukola kuba bwe yeefuula atasanyuse, omwana abeera agenda kwongera okwennyika. Kyokka omuzadde bw'olaga omwana nti, agezezzaako era n'omulaga nti, ku mutendera oguddako ajja kusobola okukola obulungi, obeera omuyambye okukkakkana n'obutaggwaamu ssuubi.

Omuzadde era alina okusooka okumanya amakulu agali mu kigambo kuyita, era n'agannyo-nnyola omwana we.

Olw'obu-tamanya bw'abamu ku bazadde, Mulindwa agamba nti, boogera bye batamanyi n'osanga omwana ng'afunye obubonero 12 mu ddaala erisooka, kyokka omuzadde ng'alowooza nti, afunye obuna ye mugezi yekka, nga tamanyi nti, babeera mu ddaala limu.

Mu mbeera eno, omuzadde ateekwa okumanya nti, omwana kasita UNEB egamba nti, ayise, abeera n'obusobozi bunene nnyo okukyusa ebintu ku ddaala eriddako, era tolina kumunenya, okuggyako okumwongera amaanyi.

Ate ye, Ali Male, omukugu mu kubudaabuda abantu okuva mu kitongole kya A-Z Proffessional Counselling and Support Center Limited, yagambye nti, omwana atafunye bubonero bw'abadde ayagala, abamuli okumpi balina okumubuulirira nti, wa mukisa nnyo kubanga ye ayise, naye banne bangi bagudde, ate abalala ebigezo tebikomyeewo ekitegeeza nti, ye ali bulungi.

Abazadde era balina okwewala okukozesa ebigambo ebizito eri omwana, okugeza "Obwo obusiru ewaffe tebuliiyo", "Kinyo-noonedde ssente zange", n'ebirala ebiringa ebyo. Ebigambo ebyo bimalamu omwana amaanyi era bisobola okumukosa obwongo n'atadda ngulu mu byanjigiriza.

Mu biseera nga bino, Katonda abeera mukulu nnyo, era Male agamba nti, omuzadde yandifukamidde n'omwana we ne beebaza Katonda amusobozesezza okubeera omulamu era n'okuyita okugenda mu ddaala eddala. Kino kikkakkanya omwana okusinga okumubwatukira.